# Omuyizi amaze wiiki ssatu ng'abuze asattiza aba ffamire

Bya LAWRENCE KIZITO

FFAMIRE y'omuwala Alia Kaweesa eyabula kati wiiki ssatu emabega eri mu bweraliikirivu, olw'ebbanga eriyise nga teba-funa mawulire gafa ku mbeera omwana waabwe gy'alimu.

Kaweesa nga wa myaka 17, omwaka guno yatudde siniya eyookuna ku Mariam High School, Kisaasi mu divizoni y'e Kawempe.

Ssenga wa Kaweesa, Nnaalongo Hadijah Nassimbwa omutuuze w'e Namugongo, yagambye nti, muwala we olwamala ebigezo, bya siniya eyookuna, yagenda e Nakuwadde mu disitulikiti y'e Wakiso ewa nnyina omuto abeereyo mu biseera by'oluwummula.

Wabula nga December 8, 2025, Kaweesa yava awaka nga tayogedde gy'alaze, era ab'awaka baalaba talabika kwe kukubira aba ffamire abalala nga bababuuza oba omwana ali nabo. Kyababuukako nga buli gwe bakubira agamba tannamulaba.

Omuyiggo gwatandika kyokka



Alia Kaweesa bw'afaanana.

nga buli we babuuza taliiwo, ekyabongera obweraliikirivu kubanga n'essimu ye yavaako kw'olwo lwe yabula.

Wakati mu kusoberwa, Nassimbwa agamba nti, omusango baagutwala ku Poliisi y'e Nakuwadde ne baggulawo fayiro ku nnamba SD: REF 11/21/12/2025, kyokka ne Poliisi nayo ekyabuliddwa.

Bwe baagezaako abalondoola amasimu, Nassimbwa yagambye nti, bye baazuula biraga nti, essimu ya Kaweesa yavaako ku olwo lwennyini lw'abula, nga yali mu bitundu by'e Ntinda.

Ekyongedde okubeeraliikiriza, n'abayizi b'abadde asoma nabo, ne mikwano gye ab'oku lusegere, tekuli amanyi mayitire ge, wadde okumanya pulaani ze yalina olunaku olwo, ekikalubizza omulimu gw'okunoonyereza.

Nassimbwa yasabye abazirakisa abayinza okuba n'amawulire ku mayitire ga Kaweesa okugatwala ku poliisi ebali okumpi, oba okutuukirira aba ffamire.

Bino we bijjidde ng'omuwala Melisa Aneza eyali asomera ku ssomero lya Naalya Secondary School-Lugazi, mu siniya eyookusatu yaakamala okusangibwa ng'attiddwa, omulambo gwe ne gusuulibwa ku kyalo Ddundu, mu muluka gw'e Kyampisi mu disitulikiti y'e Mukono.

Aneza yabula nga November 4, 2025, bwe yali ava ewa Maama we e Makerere – Kikoni ng'adda ku ssomero, kyokka teyatuuka, paka omulambo gwe bwe baagusanga e Ddundu.